

من معالم التوحيد

**Obumu ku bubonero
bw'okutongoza Katonda**

Obumu ku bubonero bw'okutongoza Katonda

Abdu Rraaziq mutabani wa Abdul-Muhsin Al-Badr
Ku lw'erinnya lya Katonda omusaasizi oweekisa
ekingi.

Amatendo g'Allah omulezi we'bitonde byonna
n'enkomerero ennungi y'abo abatya Katonda, era
nkakasa nti tewali kisiinzibwa mubutuufu
bw'okusiinzibwa okuggyako Allah omu yekka tewali
kimwegattako era nkakasa nti Muhammad muddu we
era mubaka we, okusaasira n'emirembe bibeere kuyye
ne kubantu be nekubaswahaaba be bonna,
n'oluvannyuma lwa byonna:

Kuba mazima ddala okutongoza Katonda
y'entandikwa n'enkomerero y'eddiini, munda ne
wabweru waayo, era y'entandikwa n'enkomerero
Y'okukoowoola kw'ababaka era ge makulu
g'ekigambo "laa ilaha illa Allah" ensonga eyavaako
okutondebwa kw'ebitonde n'okutumwa kw'ababaka
n'okussa ebitabo era n'olw'ensonga eyo, abantu
baayawukanamu abakkiriza n'abajeemu, abagenda
okwesiima mu jjana n'abagenda okubonerezebwa
mumuliro, era ky'ekiragiro ekisooka ku muntu
avunaanibwa era (okutongoza Katonda) bwe bwenyini

bwe ddiini busiraamu, Allah ttakiriza okuva eri omuntu yenna diini ndala yonna etali yyo, era buli muntu yenna mwetaavu gy'eri okubeera nga yejjukanya nayo wamu n'okujilabisa (mu by'akola),era mu bubaka buno <<Obumu kububonero bw'okutongoza Katonda>>mulimu okunnyonyola obubonero bw'okutongoza Katonda, nga tuyita munsonga ezijja:

Ensonga esooka: ebyenkizo n'emigaso gy'okutongoza Katonda

Ensonga eyookubiri: Amakulu g'okutongoza Katonda n'obutuufu bwa kwo.

Ensonga ey'okusatu: Okutuukiriza okutongoza Katonda n'obujjuvu bwa kwo.

Ensonga ey'okuna: Ebyonoona Tauhiidi (Obusiraamu) n'ebibukendeeza.

Ensibuko y'okutongoza Katonda.

Ensonga ey'omukaaga:Ebibala by'okutongoza Katonda n'emigaso gyakwo.

Zino nsonga mukaaga ezigenda okwogerwako mu bubaka buno mubufunze,era buli nsonga munsonga zino yeetaaga okwanjuluzibwa, naye nze nja kufunza ebigambo mubyo ebijja Okutuukiriza ekigendererwa Allah bw'anaaba ayagadde era okuva gy'ali yekka

omuntu jy'asobola okufuna obuyambi n'aweebwa obuwanguzi:

Ensonga esooka

Ebyenkizo by'okutongoza Katonda n'emigaso gyakwo (okutongoza Katonda)

Kimanye nti okutongoza Katonda kulina eby'enkizo n'emigaso mingi egiraga ekifo kyakwo ekyawaggulu, era wano nja kulaga yo kkumi mu ggyo.

Ogusooka: Ky'ekigendererwa ekyatutonga Okutuukiriza nga bwekijulira ekigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ 56﴾

{Saatonda amageege n'abantu (ku nkolera kirala kyonna) wabula ku lwa kungsiinza 56}. [Suurat Al-dhariyaat]

N'amakulu

﴿إِلَّا لِيَعْبُدُونِ﴾

{Wabula ku lwa kungsiinza} Kitegeeza kuntongoza, so okutongoza Katonda Ky'ekigendererwa ekyatutonga mu bulamu buno, ne Katonda teyatutonda lwa muzannyo era teyatuleka ttayo wabula yatonda ebitonde bimusiinze era ya biteekawo -oyo eyayawukana n'agulumira bimumutongoze, era obwo

obujulizi bumala mukulaga Obukulu bw'okutongoza Katonda n'ekifo kyakwo ekyawaggulu.

Omugaso ogw'okubiri: Mazima okutongoza Katonda gwe mulamwa gw'enkoowoola ya ba nabbi n'ababaka, Ekitegeeza: nti Mazima buli nabbi Allah gwe yatuma, kwali kwetooloolera okukoowoola kwa bwe ku kuntongoza Allah era nga kwe kuyimirira, era obujulizi kwe kyo bungi; mu bwo: Mulimu ekigambo kya Katonda eyayawukana n'agulumira:

{وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنْ أَعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطُّغُوتَ}

{Era Mazima twatumanga buli mukibiina omubaka (abalagire nti) musiinze Allah mwekeke byonna ebisiinzibwa mu bulimba}. [An-Nahl :36], N'ekigambo ky'Allah omusukkulumu:

{وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رَّسُولٍ إِلَّا نُوحِي إِلَيْهِ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونِ
25}

{ Era tetwatuma luberyeberye lwo (gwe Muhammad) mubaka yenna okuggyako nga tumutumira tugamba nti tewali kisiinzibwa mubutuufu okuggyako nze kale muniinze 25} [Surat Al-Ambiyaa], Era Allah omusukkulumu yagamba nti:

{وَسَأَلَ مَنْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رُسُلِنَا أَجَعَلْنَا مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ إِلَهًا
يُعْبَدُونَ 45}

{Buuza (Ggwe Muhammadi) abo be twatuma oluberyeberye lwo mu babaka Baffe (nti): Twateekawo abalala abatali Katonda Omusaasizi (nga) bakatonda abasiinzibwa 45} [Surat Az-Zukhuruf], Era Katonda omugulumivu yagamba nti:

﴿وَأَذْكُرُ أَخَا عَادٍ إِذْ أَنْذَرَ قَوْمَهُ بِالْأَحْقَابِ وَقَدْ خَلَّتِ النَّذْرُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِنْ خَلْفِهِ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ﴾

{Era jjukira (gwe Muhammadi) muganda wa Aadi (Huudu) bwe yatiisa ekibiina kye ekyabeeranga mu bitundu eby'ensozi ng'ate baayita dda (ababaka) abaatiisa nga ebibiina byabwe ebibonerezo oluberyeberye lwe n'oluvannyuma lwe (nga bagamba nti): temusiinza wabula Katonda yekka } [Al-Ahqaafu:21] N'abatiisa:be babaka, Ekitegeeza nti: Ababaka abaamukulembera n'abajja oluvannyuma lwe ekigendererwa kyabwe kyekimu

﴿أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ﴾

{(Kubagamba nti) temusiinza wabula Katonda yekka}, Okutongoza Katonda gwe musingi gw'ensomesa ya bannabbi n'ababaka; n'olwekyo ekigambo abantu kyebaasooka okuwulira bannabbi baabwe era kyebaatandikaanga nakyo mukubakoowoola okudda eri Allah kwali kumutongoza; Kubanga gwe musingi eddiini kwe

zimbibwa; Ekyokulabirako ky'eddiini kiringa eky'omuti, era Kimanyiddwa nti omuti gulina ekikolo n'ettabi, era omuti tegusobola kuteleera negukula nga tegulina mirandira, n'eddiini tesobola kuteleera nga terina musingi gwayo era nga kwe Kuntongoza Katonda

﴿أَلَمْ تَرَ كَيْفَ ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا كَلِمَةً طَيِّبَةً كَشَجَرَةٍ طَيِّبَةٍ أَصْلُهَا ثَابِتٌ
وَفَرْعُهَا فِي السَّمَاءِ 24﴾

{Tolaba ngeri Katonda bwe Yakuba ekifaananyi ky'Ekigambo ekirungi? Kiringa omuti omulungi (nga) ekikolo kyagwo kinyweevu era nga n'amatabi gaagwo gali waggulu 24} [Surat Ibrahiim], Era ng'omuti bwe gufa singa ekikolo kyagwo kitemebwa, n'eddiini, bw'eba teyimiridde ku kuntongoza Katonda teganyulwamu, n'ekifo ky'okutongoza Katonda muddiini ky'ekifo ky'ebikolo ku miti n'ebisenge kumayumba.

Era ne mubimu ebiraga nti okutongoza Katonda gwe musingi gw'okukoowoola kwa bannabbi n'ababaka era gwe musingi gw'obubaka bwabwe ye hadiithi ya nnabbi entuufu (okusaasira n'emirembe bibeere kuyye):

«الْأَنْبِيَاءُ إِخْوَةٌ مِنْ عِلَاتٍ، وَأُمَمَاتُهُمْ شَتَّى، وَدِينُهُمْ وَاحِدٌ» ([1])

Bannabbi ba Luganda bava mulunyiriri lumu, ba maama baabwe banjawulo, naye ddiini yaabwe eri emu.¹ Ekitegeeza nti enzikiriza yaabwe eri emu, bonna bakoowooze ba kudda eri okutongoza Katonda Era ba maama baabwe banjawulo kitegeeza nti amateeka agaabaweebwa Katonda ganjawulo

{لَكَلَّ جَعَلْنَا مِنْكُمْ شِرْعَةً وَمِنْهَاجًا}

{Buli omu mummwe twamuteerawo amateeka n'ekkubo } [Al-ma'ida:48].

Ensonga ey'okusatu: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda, Nti ky'ekiragiwo ekisooka ekikakata ku muntu; era eky'etteeka ekisooka ku muntu nga ayingira eddiini eno kwe Kuntongoza Katonda, era omuntu ky'atandika nakyo nga akoowoola abantu okudda eri Katonda kwe kumutongoza, era obujulizi kunsonga eyo bungi;mubwo ye hadiithi ya nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye gyeyagamba nti:

«أَمَرْتُ أَنْ أَقَاتِلَ النَّاسَ حَتَّى يَشْهَدُوا أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ»

«Nalagirwa okulwanyisa abantu okutuusa bwe balikakasa nti teri asinzibwa mubutuufu okuggyako Allah» Hadiithi², Era nemubujulizi kye kigambo kya

¹ Esangibwa mukitabo kya Muslim (2365) muhadiithi za Abu Huraira Katonda amusiime

² Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1399,25) ne mukya Muslimu (22,21) Mu hadiithi ya Abi Huraira ne Ibun omar n'abalala Katonda abasiime.

nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye kyeyagamba Mu-adhi bun Jabali Katonda amusiime bwe yamutuma e Yemeni:

«إِنَّكَ تَقْدُمُ عَلَى قَوْمٍ أَهْلُ كِتَابٍ، فَلْيُكُنْ أَوَّلَ مَا تَدْعُوهُمْ إِلَيْهِ عِبَادَةُ اللَّهِ عز وجل»

«Mazima ggwe ojassisiinkana ekibiina kya banannyini kitabo, naye ky'osookerako kubakoowoola kudda eri okusinza Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu » Hadiithi¹; Nemunjogela endala:

«إِنَّكَ تَقْدُمُ عَلَى قَوْمٍ مِنْ أَهْلِ كِتَابٍ، فَلْيُكُنْ أَوَّلَ مَا تَدْعُوهُمْ إِلَى أَنْ يُوجَدُوا اللَّهَ تعالى»

«Mazima ggwe ojassisiinkana ekibiina kya banannyini kitabo, naye ky'osookerako kubakoowoola kudda eri okutongoza Katonda omugulumivu »²

Nemunjogera endala:

«إِنَّكَ سَتَأْتِي قَوْمًا أَهْلُ كِتَابٍ، فَإِذَا جِئْتَهُمْ، فَادْعُهُمْ إِلَى أَنْ يَشْهَدُوا أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، وَأَنَّ مُحَمَّدًا رَسُولُ اللَّهِ»

«Mazima ggwe oliggenda eri ekibiina kya banannyini kitabo, naye bwo basisinkana bayite badde eri okukakasa nti teri asinzibwa mubutuufu okuggyako Katonda ne Muhammadi mubaka wa Katonda »³, Okutongoza Katonda kya tteeka ekikakata ku bantu era ky'ekitandiikirwako, era ky'ekisooka omuntu ky'ayingira naky'o muddiini eno, n'eddiini eyimiridde ku kutongoza Katonda era gwe musingi gwayo kw'ezimbibwa.

¹ Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1458), ne Muslimu (19).

² Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (7372).

³ Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1496)

Ensonga ey'okuna: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda nti mazima ddala okutongoza katonda nsibuko y'okuwona n'okulungamizibwa mu duniya n'enkomerero, era kisome mu kigambo kya Katonda eyayawukana n'agulumira:

﴿الَّذِينَ ءَامَنُوا وَلَمْ يَلْبِسُوا إِيمَانَهُمْ بِظُلْمٍ أُولَٰئِكَ لَهُمُ الْآمَنُ وَهُمْ مُهْتَدُونَ 82﴾

{Abo abakkiriza nebatatabula bukkiriza bwabwe nabulyazaamaanya, abo be bookuwona era bo be balunggamu 82}. [Surat An-am], Okuwona kuli mumikono gy'Allah era takuwa okuggyako Oyo amutongoza, era bwe yakka aaya eno -nga bwekyajja mu hadiithi entuufu - kyazitoowelera ba swahaaba Katonda abasiime ne bagenda eri nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye nebamugamba:«Owaffe omubaka wa Katonda! ani muffe ateeryazaamaanya nga ko?»ekitegeeza nti teriiyo muffe okuggyako nga yeeryazaamaanya ate Katonda agamba:

﴿الَّذِينَ ءَامَنُوا وَلَمْ يَلْبِسُوا إِيمَانَهُمْ بِظُلْمٍ أُولَٰئِكَ لَهُمُ الْآمَنُ وَهُمْ مُهْتَدُونَ 82﴾

{Abo abakkiriza nebatatabula bukkiriza bwabwe nabulyazaamaanya, abo be bookuwona era bo be balunggamu 82}. N'amakulu g'ekyo:tetulina mugabo mu kuwona n'okulungamizibwa;kubanga buli omu muffe y'eryazaamaanya, Nabbi okusaasira n'emirembe

bibeere kuyye n'agamba:«Sikyekyo-ekitegeeza nti sibwebwo obulyazaamaanya obuli mu aaya;- abaffe temusomangako kigambo ky'omuddu omulongoofu Luqumaani omugezi -

﴿إِنَّ الشِّرْكَ لَظُلْمٌ عَظِيمٌ 13﴾

{Mazima okugatta ku Katonda bwe bulyazaamaanya obunene 13} [surat Luqumaani]» N'annyonyola - okusaasira n'emirembe bibeere kuyye -obulyazaamaanya mu aaya nti kwe kugatta ku Katonda, ne kitegeeza nti omuntu bwakkiriza n'atagatta ku Katonda wa kwesiima era wa kulunggama mu duniya n'enkomerero,era kino kiri mu by'enkizo by'okutongoza Katonda: omuntu bwatongoza Katonda, amuwa okwesiima n'obulunggamu mu duniya n'enkomerero.

Ensonga ey'okutaano: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda mwe muli okuwona okukoonagana nga bwekijulira munzikiriza endala, zo zikoonagana, obujulizi kw'ekyo ky'ekigambo kya Katonda eyayawukana omugulumivu:

﴿وَلَوْ كَانَ مِنْ عِنْدِ غَيْرِ اللَّهِ لَوَجَدُوا فِيهِ اخْتِلَافًا كَثِيرًا 82﴾

{Singa yali yava wa mulala atali Katonda bandisanzeemu enjawukana nnyingi 82} [Surat Nisa], Enzikiriza abantu ze bayiiya zirimu okukontana kungi,

naye enzikiriza entuufu, n'okutongoza Katonda okunywevu okuva mu kitabo kya Katonda ne Sunnah za Nabbi we, okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, tebiriimu ebyo byonna

Eky'omukaaga: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda, Mazima kwo (okutongoza Katonda) kukwatagana n'obubumbwa obulamu, n'obwongo obutereevu; Okutongoza Katonda ye ddiini y'obubumbwa,era omuntu bwalekebwa n'obubumbwa bwe tasobola kukkiriza kitali kuntongoza Katonda;olwokubanga kukwatagana n'obubumbwa, wabula bwe bubumbwa nga Katonda eyayawukana omugulumivu bwe yagamba :

﴿فَأَقِمْ وَجْهَكَ لِلدِّينِ حَنِيفًا فِطْرَتَ اللَّهِ الَّتِي فَطَرَ النَّاسَ عَلَيْهَا لَا تَبْدِيلَ لِخَلْقِ اللَّهِ ذَلِكَ الدِّينُ الْقَيِّمُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ 30﴾

{N'olw'ekyo (Ggwe Omuntu) yolekeza ekyenyi kyo (nga onywerera) ku ddiini entukuvu - nga (obwo) bwe bubumbwa bwa Katonda obwo bwe yatonderako abantu. Tewali kukyusa ntonda ya Katonda. Eyo y'eddiini (y'Obusiraamu) engolokofu, kyokka abantu abasinga obungi tebamanyi 30}. [Surat Ar-Ruum], Wabula okugatta ku Katonda,okwo kuba kuva kububumbwa, Eno y'ensonga lwaki kyayogerwako

mu «Sahih Muslim» mu hadiithi qudusi, Katonda yagamba mu yyo:

«وَأَيُّ خَلْقٍ عِبَادِي حُقِّقَاءُ كُلُّهُمْ، وَإِنَّهُمْ أَتَتْهُمْ الشَّيَاطِينُ فَاجْتَأَتْهُمْ عَنْ دِينِهِمْ»؛

Era mazima natonda abaddu bange bonna nga bantongoza naye sitaani bwe zabajjira za bawugula okuva kuddiini yaabwe »¹ Natonda abaddu bange nga bantongoza: Ekitegeeza nga bali ku bubumbwa bw'okutongoza Katonda, oluvannyuma sitaani ne zibajjira ne zibawugula ku diini yaabwe.

Era nejja mu «kitabo kya musilimu ne ekya bukhari» mu hadiithi ya Abu Huraira Katonda amusiime nga eva ku Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye yagamba nti:

«مَا مِنْ مَوْلُودٍ إِلَّا يُولَدُ عَلَى الْفِطْرَةِ، فَأَبَوَاهُ يُهَوِّدَانِهِ، وَيُضَرِّبَانِهِ كَمَا تُنْتَجُونَ الْبَهِيمَةَ، هَلْ تَجِدُونَ فِيهَا مِنْ جَذَعَاءَ، حَتَّى تَكُونُوا أَنْتُمْ تَجْدَعُونَهَا؟»،

«Teriyo azaalibwa okuggyako ng'ali ku bubumbwa, abazadde be be bamufuula omuyudaaya oba omukulisitaayo nga bwemuzaaza ebisolo, abaffe Mwali musanzeeko ekitalina matu okutuusa bwe mugasalako?»², Ne munjogera endala:

«فَأَبَوَاهُ يُهَوِّدَانِهِ، أَوْ يُضَرِّبَانِهِ، أَوْ يُمَجِّسَانِهِ، كَمَا تُنْتَجُ الْبَهِيمَةُ بِهَيْمَةٍ جَمْعَاءَ، هَلْ تُجِسُونَ فِيهَا مِنْ جَذَعَاءَ؟»،

«Olwo abazadde be ne bamufuula omuyudaaya oba omukulisitaayo oba omumajuusi, nga ekisolo bwe

¹ Esangibwa mukitabo kya Muslim (2865)mu hadiithi ya Iyaadh bun Himaar Al-Mijaash'iiyy Allah amusiime.

² Esangibwa mukitabo kya Bukhar (6599).

kizaala ekisolo ekijjuvu, mwali mulabyeko ekitalina matu ?»¹, Ekisolo kifuluma mu lubuto lwa maama wa kyo ng'amatu ga kyo n'ebigere bijjuvu, bwe kisalibwaako okugulu oba omukono oba okutu oba ekirala, kiba tekiri kunsibuko y'obubumbwa bwa kyo, wabula kino kikolebwa bantu oluvannyuma lw'okubeera nti kifulumye kijjuvu, yagamba okusaasira n'emirembe bibeere kuye

«حَتَّى تَكُونُوا أَنْتُمْ تَجِدُونَهَا»

«Okutuusa mmwe bennyini bwe mubisalako amatu » Nabwe kityo omwana azaalibwa ali kububumbwa, naye bw'afuuka omukulisitaayo oba omuyudaaya oba omumajuusi oba okugwa mu kukyuka, obubuze n'obulimba bwonna ekyo kiba kikoledwa bazadde be oba ekifo mw'awangalira.

Akulira omwana akula mufte*** kw'ekyo bazadde be kyebaamumanyiriza²

Yagamba okusaasira n'emirembe bibeere kuyye:

«فَأَبَوَاهُ يُهَوِّدَانِهِ، أَوْ يَنْصَرَانِهِ، أَوْ يُمَجِّسَانِهِ»

«olwo bazadde be ne bamufuula omuyudaaya oba omukulisitaayo oba omumajuusi » Teyagamba nti «oba ne bamusiramula » kubanga akulidde ate yazaalibwa kububumbwa, okwawula Katonda

¹ Esangibwa mukitabo kya Bukhar (1358),ne Muslimu (2658)

² Amakulu nti omwana akula mu baana abakula naye tewali kyebakulilako okujjako ekyo bakadde babwe kye baba manyiiza.

y'eddiini omuntu kw'atonderwa, wabula okugatta ku Katonda n'ebirala mu bubuze n'obulimba ebyo byonna bikontana n'obubumbwa Wabula okukwatagana kwa bwo (obubumbwa) n'okutegeera obutereevu, Mazima obwongo obutereevu bwe bwo obutabula wadde okukyuka era tebukkiriza okuggyako okutongoza Katonda, Ani oyo alina obwongo obulamu nga busiima okuyitirira kwa bakatonda.

﴿أَرْيَابَ مُتَفَرِّقُونَ خَيْرٌ أَمْ اللَّهُ الْوَجْدُ الْقَهَّارُ 39 مَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا أَسْمَاءَ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَءَابَاؤُكُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ﴾

{ Bakatonda ab'ejawulo be basinga obulungi oba Katonda omu yekka omukasi w'embeera 39

Tebiri ebyo bye musinza mu kifo ky'Allah wabula mannya gemwabituuma mmwe ne bakitammwe Katonda te yabissaako bujulizi bwonna} [Surat Yusuf].

Yagamba omunattauihiidi mukiseera ky'obutamanya Zaidi bun Nufail bwe yayawukana ku diini y'ekibiina kye¹:

Omulezi omu oba bali lukumi*** bemba nsaba ensonga bweziba za njawulo

Nava ku Allaata ne Al-uzza bonna*** bwatyo omuntu omuguminkiriza bwa kola

¹ «Assiira» ekya Ibun Ishaaq (2/96).

Sisiinza uzza wadde bawala be ababiri*** wadde amasanamu abiri aga bani Amru

Era yalinga avumirira ebisolo aba quraish bye basalanga nga agamba nti: Embuzi Katonda gye yatonda n'aggissiza enkuba okuva muggulu n'agimereza omuddo okuva mu ttaka oluvannyuma ne mugisalira mu linnya eritali linnya lye nga mwegaana ebyo byeyakola n'okumugulumiza »¹.

Tewali kintu kyonna kitegeerekeka oba kyeyoleka mu bwongo kusinga okumanya kwabwo obutuukirivu bw'Omutonzi w'obutonde buno, n'okumusukkulumya ku bumogo n'obukendeevu, n'okumwawula yekka n'obugonvu awamu n'obukkakkamu, era ababaka bajja kujjukiza bantu nsonga eno nakujinnyonnyola , era obulungi bw'okwawula Katonda n'obubi bw'okumugattikako binywevu mu bwongo ne mu bubumbwa, Kimanyiddwa na buli oyo yenna alina omutima n'obwongo ebilamu n'obubumbwa obutuufu

Ensonga ey'omusanvu: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda, mazima okutongoza Katonda y'enkwatagana entuufu esigalawo era egenderera munsu n'enkomerero, era teriiyo nkwatagana wakati mu bantu okutwaliza awamu nga nkwatagana ya

¹ «Sahiih Al-Bukhari» (3826)

kuntongoza Katonda; kubanga enkwatagana eno eri wakati wa bannannyini kuntongoza Katonda n'obukkiriza nkwatagana ya lubeerera munsu ne ku nkomerero

{الْأَخْلَاءُ يَوْمَئِذٍ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ إِلَّا الْمُتَّقِينَ 67}

{Ab'emikwano kulunaku olwo (olw'enkomerero) baliba balabe na balabe okuggyako abaali batya Katonda 67}. [Surat Az-Zukhuruf], Era n'agamba mu aya endala:

{وَتَقَطَّعَتْ بِهِمُ الْأَسْبَابُ 166}

(Nezikutukawo ensonga ezabagattanga kuno ku nsi 166}. [Surat Al-baqara] Amakulu eza bagattanga ne zibayunga; buli nkwatagana ya kuggwawo , nabuli mukwano gwa kugenda, era buli nkwatagana ya kuvaawo okujjako omukwano n'ekwatagana mukutongoza Katonda n'okumukkiriza oyo omusukkulumu eya yawukana, eyo eyaliwo kulwa Katonda ya kusigalawo at'eyo etaliwo kulwa Katonda ya kukutukawo, Enkwatagana ne bweba nnywevu etya ne bweba ya munda etya ya kukoma ku nsi oba ku nkomerero -teri kubuusabusa- okujjako omukwano n'enkwatagana y'okutongoza Katonda eyayawukana omugulumivu n'okumukkiriza, eno enkwatagana ye

y'olubeerera era ey'okugenderera n'okusigalawo mu nsi ne ku nkomerero

Ensonga ey'omunaana: Mu bimu ku by'enkizo by'okutongoza Katonda bwe butuufu bw'ensibuko ya kwo, nga kuviira ddala mu kitabo kya Katonda ne mu hadiithi z'omubaka we okusaasira n'emirembe bibeere ku yye - oyo eyali tayogera lwa kwagala kwe wabula bwalinga bubaka obuva eri Katonda, era eno ensonga ejja kunnyonnyolwa mu bujjuvu oluvannyuma.

Ensonga ey'omwenda: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda bwe bunwevu n'okukuumibwa, - Eranga Katonda omugulumivu yeeyama okukuuma okutongoza Katonda n'okukuuma eddiini eno n'okusigalawo kwa yo, Katonda yagamba:

﴿هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَىٰ وَدِينِ الْحَقِّ لِيُظْهِرَهُ عَلَى الدِّينِ كُلِّهِ وَلَوْ كَرِهَ الْمُشْرِكُونَ 33﴾

{Ye y'Oyo eyatuma omubaka We (Muhammadi) , n'obulungamu n'eddiini ey'amazima, alyoke agisukkulumye okusinga eddiini zonna wadde nga tebakyagala abagatta ku Katonda ebintu ebirala 33} [Surat At-tauba], Era yagamba ow'ekitiibwa Allah:

﴿إِنَّ اللَّهَ يُدْفِعُ عَنِ الَّذِينَ ءَامَنُوا﴾

{Mazima ddala Katonda alwanirira abo abakkiriza}. [Al-Hajj: 38], Era Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu yagamba:

(وَكَانَ حَقًّا عَلَيْنَا نَصْرُ الْمُؤْمِنِينَ 47)

{Era kuva dda kyali Kya tteeka gye tuli okutaasa abakkiriza 47} [Surat Ar-Ruum], Era yagamba ow'ekitiibwa Allah:

(يُثَبِّتُ اللَّهُ الَّذِينَ ءَامَنُوا بِالْقَوْلِ الثَّابِتِ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ)

{Katonda anyweza abo abakkiriza n'ekigambo ekinywevu mu bulamu bw'ensi ne mubulamu bw'enkomerero}. [Ibrahiim 27].

Ensonga eyekkumi: Mu by'enkizo by'okutongoza Katonda by'ebibala n'emigaso emingi ejenjawulo mu nsi ne kulunaku lw'enkomerero egimu ku gyo tugenda kugyogerako ku nkomerero y'omulamwa guno.

Ensonga (amas-ala) ag'oKubiri:

Okutongoza Katonda kyekitegeeza n'obutuufu bwa kwo

Okutongoza: Nsibuko ya kigambo yatongoza atongoza olutongoza, era nga yyo nsibuko etegeeza okwawula. N'okutongoza Katonda kwe kumwawula oyo eyayawukana n'agulumira n'okugaana kyonna

ekimugattibwako mw'ebyo bye yayawukana nabyo ku bitonde bye.

Okulera kwe - kwe kuddukanya obutonde buno mu kutonda, okugabirira, okuwa obulamu, okufa n'okukyusakyusa embeera - bino biri mu bintu ebyeyawulidde Katonda ow'ekitiibwa.

N'amannya ge amalungi n'ebitendo bye ebya waggulu n'okwagala kwe okutuukirira n'obusobozi bwe obubuna n,okumanya kwe okugazi, n'obutuukirivu bwe mu mannya ne mubitendo bye, bino biri mu bintu ebyeyawulidde Katonda ow'ekitiibwa, era ateeka ekimu ku bino (ebyeyawulidde Katonda) ku bitonde obusiraamu bwe bufa.

Katonda by'avunaana abaddu be kwe kumusinza ne batamugattako kintu kyonna nga bwe kiri mu hadiithi ya Mu-adhi Katonda amusiime, Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yamugamba :

«يَا مُعَاذُ! تَذَرِي مَا حَقَّ اللَّهُ عَلَى الْعِبَادِ؟ وَمَا حَقُّ الْعِبَادِ عَلَى اللَّهِ؟» قَالَ: قُلْتُ: اللَّهُ وَرَسُولُهُ أَعْلَمُ، قَالَ: «فَإِنَّ حَقَّ اللَّهِ عَلَى الْعِبَادِ أَنْ يَعْبُدُوا اللَّهَ، وَلَا يُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا، وَحَقُّ الْعِبَادِ عَلَى اللَّهِ عَزَّ وَجَلَّ أَنْ لَا يُعَذِّبَ مَنْ لَا يُشْرِكُ بِهِ شَيْئًا»

«Owange Mu-adhi; omanyi Katonda by'avunaana abaddu be? Ate biki abaddu byebavunaana Katonda? yagamba: Nagamba nti: Katonda n'omubaka we be bamanyi, n'agamba nti:«Katonda by'avunaana abaddu

be kwe kumusinza nga tebamugattako kintu kyonna, n'abaddu bye babanja Katonda bwe obutabonereza oyo yenna at'amugattako kintu kyonna »¹ Okusinza kusaanidde Katonda yekka; era yenna ayolekeza ekitali Katonda omuteeko gw'okusinza gwonna obusiraamu bwe bufa (aba akaafuwadde).

Okutongoza Katonda: Kwe kumwawula n'ebyo bye yayawukana nabyo,

N'okumugattako: kwe kumwenkanya n'ebyo ebitali Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu mu nsonga yonna jayawukana nayo (emweyawulidde), era buno bwe butuufu bw'okutongoza: okumwawula n'obutamugattako kintu kyonna nga Katonda bwe Yagamba :

{وَأَعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا}

{Musinze Katonda era temumugattako kintu kyonna}. [An-Nisaa:36], Era Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu yagamba:

{وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ}

{ Yalagira omulezi wo Allah obutasinza kintu kyonna okuggyako yye}. [Surat al-Israa: 23], Era Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu yagamba:

¹ esangibwa mukitabo kya Bukhar (5967, 2856) ne Muslim (30).

{وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ }

{Tebaalagirwa wabula kunsinza Katonda yekka nga batukuza eddiini kululwe}. [Al-bayyina:5], Ne aaya eziri mumakulu gano nnyingi.

Bwe kityo kyeyoleka nti okutongoza Katonda kulimu emiteeko esatu: Okumutongoza n'ebikolwa bye, okumutongoza n'amannya ge n'ebitendo bye, n'okumutongoza mu kumusinza.

Wabula okutongoza Katonda n'ebikolwa bye: kwe kumwawula n'okukakasa nti ye yekka omutonzi, omugabirizi, omufuzi, omugabi w'ebyengera, omukyusakyusa w'embeera, oyo atalina kimwegattako mw'ebyo, Katonda yagamba:

{قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ قُلِ اللَّهُ }

{Bagambe (gwe Muhammadi) nti ani omulezi w'eggulu n'ensi ? Ddamu obagambe nti: Katonda}. [Ar-Ra'd:16], Era Katonda yagamba:

{قُلْ لِمَنِ الْأَرْضُ وَمَنْ فِيهَا إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ 84 سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ 85 قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَوَاتِ السَّبْعِ وَرَبُّ الْعَرْشِ الْعَظِيمِ 86 سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ 87 قُلْ مَنْ بِيَدِهِ مَلَكُوتُ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ يُجِيرُ وَلَا يُجَارُ عَلَيْهِ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ 88 سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ فَأَنَّى تُسْحَرُونَ }

{Bagambe nti: ani nannyini nsi n'ebigirimu bwe muba mumanyi 84

Bajja kugamba nti: ya Katonda,bagambe nti:
abange temwebuulirira 85

Bagambe nti: ani omulezi w'amagulu omusanvu ne
Arshi ennene 86

Bajja kugamba nti:bya Katonda, abange temutya
87

Bagambe nti: Ani alina mu mikono gye obufuzi
bwa buli kintu nga y'akuuma ate nga yye
tebamukuuma bwe muba mumanyi 88

Bajja kugamba nti: bwa Katonda bagambe nti:
abange lwaki mulogwa}. [Surat Al-Mu'minuuna], Era
Allah yagamba:

﴿ذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمُ فَتَبَارَكَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ﴾

Oyo ye Katonda omulezi wammwe gy'ayitirira
emikisa gye Katonda omulezi w'ebitonde }. [suurat:
ghaafir] Era Katonda yagamba:

﴿اللَّهُ خَلَقَ كُلَّ شَيْءٍ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ﴾

﴿Katonda, ye mutonzi wa buli kintu era yye, ye
mutambuza wa buli kintu﴾ [Surat Az-Zumar]
N'ezisigadde mu aya endala.

N'omuteeko ogw'okubiri: Okutongoza Katonda mu
mannya ge n'ebitendo bye : Era kwe kwawula Katonda
ow'ekitiibwa mu mannya ge amalungi n'ebitendo bye
ebya waggulu ebisangibwa mu kitabo kye ne mu

hadiithi z'omubaka we, Katonda ow'ekitiibwa yagamba nti:

{اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ لَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى 8}

Allah, teri asinzibwa mubutuufu bw'okusinzibwa okuggyako yye, y'alina amannya amalungi 8}. [Surat Twaha], Era Katonda eyayawukana n'agulumira yagamba nti:

{قُلْ أَدْعُوا اللَّهَ أَوْ أَدْعُوا الرَّحْمَنَ أَيًّا مَا تَدْعُوا فَلَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى }

{Bagambe nti: Musabe Katonda oba Musabe omusaasizi, lyonna lye muba mukozesezza mumannya ago mukimanye nti: y'alina amannya amalungi}. [Al-Israa: 110], Ow'ekitiibwa omugulumivu yagamba:

{هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عَلِيمٌ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ هُوَ الرَّحْمَنُ الرَّحِيمُ 22
هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْمَلِكُ الْقُدُّوسُ السَّلَامُ الْمُؤْمِنُ الْمُهَيْمِنُ الْعَزِيزُ
الْجَبَّارُ الْمُتَكَبِّرُ سُبْحَنَ اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ 23 هُوَ اللَّهُ الْخَلِيقُ الْبَارِئُ
الْمُصَوِّرُ لَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى يُسَبِّحُ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَهُوَ
الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ 24 }

{Ye Katonda oyo awatali asinzibwa mubutuufu wabula yye yekka amanyi ebitalabikako n'ebirabikako, ye omusaasizi (okusaasira okubuna) omusaasizi (okusaasira okwawufu) 22¹

¹ Okusaasira okubuna, kuno nga kubuna abakkiriza n'abatali bakkiriza.

Ate Okusaasira okwawufu, kuno nga kw'abo abakkiriza bokka ku lunaku lw'enkomerero.

Ye Katonda awatali asinzibwa mubutuufu wabula yye yekka omufuzi w'ebitonde byonna Omutukuvu mubuli bukendeavu, Ensibuko y'emirembe n'obutebenkevu, akakasa amazima g'obukkiriza bw'abakkiriza, Omumanyi w'ebyekwefu, Atalina ky'alemwa Kirimaanyi Eyeegulumiza buli ku kyonna ekitamusaanira, yayawukana Katonda kw'ebyo byonna byebamugattako

Ye Katonda omutonzi omuvumbuzi eyateekawo ebitonde eyakola ebifaananyi byabuli kintu alina amannya agasinga obulungi bimumutendereza ebitonde ebiri muggulu ne munsu era ye ow'ekitiibwa omusobozi ow'amagezi ag'awaggulu 24}. [Surat Alhashir].

N'omuteeko ogw'okusatu: Okutongoza Katonda mu kumusinza era nga kwe kwawula Katonda eyayawukana n'agulumira mu kumusinza, gamba nga okusaba, okusuubira, okutya, okweyama, okusala, okusaala, okusiiba, n'ebirala mu nneesinza, n'okutukuza eddiini kululwe n'okwesamba okumugattako nga Katonda ow'ekitiibwa bwe Yagamba:

﴿وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ﴾

{Tebaalagirwa wabula kunsinza Katonda yekka nga batukuza eddiini kululwe}. Era Yagamba ow'ekitiibwa:

{أَلَا لِلَّهِ الدِّينُ الْخَالِصُ}

{Abange ya Katonda eddini entukuvu}. [Az-Zumar:3], Era ow'ekitiibwa omugulumivu yagamba :

{قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحْيَايَ وَمَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ 162 لَا شَرِيكَ لَهُ وَبِذَلِكَ أُمِرْتُ}

{Gamba nti: Mazima okusaala kwange n'emirimu gyange emirungi gyenkola, n'obulamu bwange n'okufa kwange byonna bya Katonda omulezi w'ebitonde 162

Talina kimwegattako era n'ekyo (eky'okumwawula) kye nalagirwa}. [Surat Al-An'aam], Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

«مَنْ مَاتَ وَهُوَ يَدْعُو مِنْ دُونِ اللَّهِ نَدَا دَخَلَ النَّارَ»

«Oyo yenna afa nga asaba ekitali Katonda wa kuyingira muliro »¹ Kuno kwe kwawula Katonda era bwe butuufu bwa kwo.

Era ku buli muteeko ku gino emiteeko esatu gulina ekikontana na gwo; «bw'oba okitegedde nti

¹ Esangibwa mukitabo kya Bukhari (4497) Era n'enjogera yiye, ne mu kitabo kya Muslim (92) mu hadiithi ya Abdullahi bun Mas'uudi Katonda amusiime.

okutongoza Katonda n'ebikolwa bye kwe kukakasa nti Katonda ye Mutonzi, Omugabirizi, Omugabi w'obulamu n'okufa , addukanya ensonga zonna omufuzi w'ebitonde bye byonna, talina kimwegattako mu bufuzi bwe; Ekikontana n'ekyo kwe kukakasa kw'omuntu nti waliyo asobola okukola ebyo ebitakolebwa kintu kyonna okuggyako Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu.

Bw'oba omanyi nti okwawula Katonda mu mannya ge n'ebitendo bye kwe kuyita Katonda n'amannya geyeyita nago n'okumutenda n'ebitendo bye yeetenda nabyo oba omubaka we Muhammadi bye yamutenda nabyo n'okugaana okumufaanaanyiriza n'ekintu kyonna; era ebikontana n'ekyo bili ebintu bibiri era nga bizingirwa mu mubutakkiriza Katonda:

Ekisooka: Okugaana ebitendo bya Katonda ebituukiridde ebiri mu kitabo kya Katonda ne mu hadiithi z'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku yye.

Eky'okubiru: Okufaanaanyiriza ebitendo bya Katonda omugulumivu n'ebitendo by'ebitonde bye, Ate nga Katonda omugulumivu yagamba:

(لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ)

{Tewali kintu kyonna kiringa Yye, era Yye y'awulira ennyo Omulaba ennyo.} [Surat Ash-Shuura], Era Katonda yagamba:

{يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ عَظِيمًا}

{ (Katonda) Amanyi ebili mu maaso ga bwe n'ebiri emabega wa bwe naye bbo tebamanyi bimufaako} [Twaha 110].

Era bw'oba otegedde nti okutongoza Katonda mu kumusinza kwe kumwawula Katonda n'ebika byonna eby'okusinza, n'okugaana okusinza kyonna ekitali Katonda ow'ekitiibwa omugulumivu; Ekikontana n'ekyo kwe kukolera ekitali Katonda ekika kyonna mu bika by'okusinza Katonda, era kino kyekiri ku bagatta ku Katonda abasinga obungi, era ky'ekyalimu enkaayana wakati mu babaka n'ebibiina byabwe»¹

Ensonga (amas-ala) ey'okusatu:

Okutuukiriza okutongoza Katonda n'obujjuvu bwa kwo

Okutuukiriza okutongoza Katonda ddaala lya waggulu ate kifo kya kitiibwa Nabbi yayogera n'agamba mu hadiithi emanyikiddwa nti: Banannyini kuntongoza Katonda bajja kuyingira ejjana nga

¹ «ma'arijul-qabuul» ekya Seeka Al-Hakami (1/418).

tebabaliddwa wadde okubonerezebwa mu hadiithi emanyikiddwa hadithi ya Ibun Abbaasi n'abalala Katonda amusiime , yagamba omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وَمَعَهُمْ سَبْعُونَ أَلْفًا يَدْخُلُونَ الْجَنَّةَ بِغَيْرِ حِسَابٍ وَلَا عَذَابٍ»

Bagenda kubeera nabo abantu emitwalo musanvu abaliyingira ejjana nga tebabaliddwa wadde okubonerezebwa» Oluvannyuma n'aboogera n'ekigambo kye nti:

«هُمُ الَّذِينَ لَا يَرْفُونَ، وَلَا يَسْتَرْفُونَ، وَلَا يَنْطَيَّرُونَ، وَلَا يَكْتَوُونَ وَعَلَى رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ»

« Beebo abatasomerera Ruquya wadde okusaba abalala okubasomera Ruquya era tebeeraguza wadde okwejjanjabisa omuliro wabula bbo b'esigamira Katonda »¹ Eryo ly'eddaala erya waggulu mu kuntongoza Katonda era kwe kutuukiriza okumutongoza n'obujjuvu bwa kwo.

N'okutuukiriza okutongoza Katonda Kwe tutegeeza: kwe kumutongoza mu bujjuvu n'okukutukuza okuva mu bucaafu bw'okugatta ku Katonda, n'okuzuula muddiini, n'ebyonoono, era zino ensonga esatu abamanyi baziyyita:Ebiremesa omutambuze okutuuka eri Katonda n'obulamu

¹ esangibwa mukitabo kya Bukhaari (5705) ne Muslimu (220).

bw'enkomerero: Okugatta ku Katonda, Okuzuula muddiini, n'okukola ebyonoono.

Wabula ekiremesa kya shiriki; Okukivaamu kuba kuntongoza Katonda ; Ate ekiremesa ky'okuzuula mu ddiini Okukivaamu kuba kugoberera Mubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku yye na kutambulira ku nkola ye, wabula ate ekiremesa ky'ebyonoono kuba kubyesamba na kwewala kubigwamu n'okwenenya, n'okwebuulirira ne Katonda omugulumivu bw'aba akoze Ebyonoona, Omuddu bw'aba ali ku ddaala lino aba atuuse ku kutuukiriza okutongoza Katonda.

N'okutuukiriza okutongoza Katonda kwa madaala abiri, Okutuukiriza okw'obw'etteeka n'okutuukiriza okw'obwa kyeyagalire, era buli yenna ali mu madaala gano abiri wa kuyingira jana kulunaku lw'enkomerero nga tabaliddwa wadde okubonerezebwa:

Eddaala erisooka mukutuukiriza okutongoza Katonda: Kwe kutuukiriza kw'abo abakola ebibakakatako ne baleka ebyagaanibwa , Omuddu bw'aba mu mbeera eno nga y'ekuumira ku byeyalagirwa neyeesamba bye yagaanibwa n'ensobi ennene, awonno aba atuukirizza okutongoza Katonda okw'obw'etteeka, era abo be baliyingira ejjana nga tebabaliddwa wadde okubonerezebwa mu ddaala lino.

Eddaala ery'okubiri lisingako lino era nga lye lino: Okutuukiriza okutongoza Katonda okw'obwa kyeyagalire era nga lye ddaala ly'abo abavuganya okukola obulungi, era nga bbo awamu n'okukola eby'obw'etteeka n'okwesamba ebyagaanibwa ebinene n'ebiyaziyizibwa, bavuganya mu kukola ebya kyeyagalire.

Abo be batuukiriza okutongoza Katonda okw'amadaala bimbiriri - era bonna ba kuyingira ejjana Kulunaku lw'enkomerero nga tebabaliddwa wadde okubonerezebwa, ne Katonda omugulumivu yagamba nti:

﴿ثُمَّ أَوْرَثْنَا الْكِتَابَ الَّذِينَ اصْطَفَيْنَا مِنْ عِبَادِنَا فَمِنْهُمْ ظَالِمٌ لِّنَفْسِهِ وَمِنْهُمْ مُقْتَصِدٌ وَمِنْهُمْ سَابِقٌ بِالْخَيْرَاتِ إِذْنُ اللَّهِ ذَلِكَ هُوَ الْفَضْلُ الْكَبِيرُ 32 جَنَّتٌ عَدْنٌ يَدْخُلُونَهَا﴾

﴿Oluvannyuma twasikiza ekitabo (Qur'an) abo be twalondamu mu baddu baffe mu bo mulimu abalyazaamaanya emyoyo gyabwe ne mubeeramu abakola eby'obw'etteeka ne baleka ebyagaanibwa ne mubeeramu abakulembere okukola obulungi ku lw'obuyinza bwa Katonda, obwo bwe bulungi obunene 32

Ejjana entebenkevu gye baliyingira) [Surat Faatwir] Ekitegeeza nti: abaliyingira ejjana basatu: Alyazaamanya omwoyo gwe n'oyo akola

eby'obw'etteeka n'aleka abyagaanibwa,n'oyo akulembera mu kukola obulungi.

Wabula oyo akola eby'obw'etteeka n'aleka abyagaanibwa awamu n'oyo akulembera mu kukola obulungi; Mazima okuyingira kwa bwe ejjana kwe kugenda okusooka nga tebabaliddwa.

Wabula oyo Alyazaamanya omwoyo gwe n'ebyonoona ebitali kugatta ku Katonda, mazima yye wa kuyingira ejjana, wabula tagenda kugiyingira kuyingira lusooka nga tabaliddwa wadde okubonerezebwa ng'oyo akola eby'obw'etteeka n'aleka abyagaanibwa n'oyo akulembera mu kukola obulungi; wabula ayolekedde okubonerezebwa n'okubalibwa, era oyo ali wansi w'okwagala kwa Katonda bw'aliyagala alimubonereza bw'aliyagala alimusonyiwa.

Ensonga (amas-ala) ey'okuna:

Ebyonoona Okutongoza Katonda n'ebikukendeeza

Okutongoza Katonda kulina ebikukendeeza n'ebikwonoona; N'ebyo ebyonoona okutongoza Katonda by'ebitta emirimu era nebyonoona eddiini yonna, ng'obutakkiriza n'okugatta ku Katonda, n'obunnanfuusi obweyolefu, Obutakkiriza n'ebika bya

bwo n'okugatta ku Katonda n'ebika bya kwo n'obunnaifuusi obunene n'ebika byabwo, bino byonna bitta okutongoza Katonda okuviira ddala ku kikolo kya kwo n'obutakkiriza obunene, n'obunnaifuusi obunene n'ebika byabwo byonna bitta okutongoza Katonda okuviira ddala kukikolo, yagamba Katonda omugulumivu:

{إِنَّ الْمُنْفِقِينَ فِي الدَّرَكِ الْأَسْفَلِ مِنَ النَّارِ}

{Mazima abannanfuusi balibeera mu buziba bw'ommuliro obusembelayo ddala wansi }. [An-Nisaa 145], Era yagamba omugulumivu:

{وَمَنْ يَكْفُرْ بِالْإِيمَانِ فَقَدْ حَبِطَ عَمَلُهُ}

{N'omuntu awakanya obukkiriza, emirimu gye giba gyoonese } [Al-ma'ida 5], Era Katonda omugulumivu yagamba nti:

{وَلَقَدْ أُوحِيَ إِلَيْكَ وَإِلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ 65}

Mazima ddala wassibwako obubaka wamu n'abo abaakukulemba (ba nabbi) nti singa wagatta ku Katonda n'ekintu ekirala, emirimu jyo jyandiyoonese era obeere mw'abo abafiiriddwa} [Az-Zumar], Obusiraamu bw'omuntu bwonooneka na kugatta ku Katonda okunene mu bika byakwo, n'obunnaifuusi obunene mu bika byabwo,

n'obutakkiriza obunene mu bika byabwo era kuno kwe kunnyonyola ensonga zino.

Ate ebikendeeza okutongoza Katonda z'ensonga ezikukendeeza nga tezikwonoona kuviira ddala ku kikolo; nga mwe muli Obutakkiriza obutono, n'obunnanfuusi bwo mumirimu nga obwajja mu hadiithi:

«آيَةُ الْمُنَافِقِ ثَلَاثٌ: إِذَا حَدَّثَ كَذَبَ، وَإِذَا وَعَدَ أَخْلَفَ، وَإِذَا أُؤْتِمِنَ خَانَ»؛

«Obubonero bw'omunnanfuusi buli busatu: bw'anyumya alimba, bw'alagaanisa (endagaano) agyawukanako

bw'ateresebwa akumpanya »¹; Bino bye bikendeeza okutongoza Katonda, bwe bisangibwa mu muddu, okutongoza Katonda, n'obukkiriza bwe bikendeera, mu ngeri y'emu n'obushiriku obutonotono n'ebigambo ebyo ebirimu okugatta ku Katonda ebyo omuntu bya tategeeza wabula nga ate biyita ku lulimi lwe, bino byo bikendeeza okutongoza Katonda kw'omuddu, naye bw'aba abikakasa oyo aba afuuse shiriki omunene ayonoona okutongoza Katonda (obusiraamu)

N'olwekyo kigwana buli mukkiriza okufaayo nnyo kukutongoza Katonda n'okwesamba buli kikwonoona oba ekikukendeeza.

¹ esangibwa mukitabo kya Bukhaari (33) ne Muslimu (58) hadiithi ya Abu Huraira.

Shekh Abadul-Rahman bun Hasan yagamba nti::«Kimanye nti eky'ennyume ky'okutongoza Katonda kwe kumugattako; era yye wa bika bisatu: Okugatta ku Katonda okunene, okugatta ku Katonda okutonoto, n'okugatta ku Katonda okwekwefu (okwekusifu).

N'obujulizi bw'okugatta ku Katonda okunene, kye kigambo kya Katonda omugulumivu

﴿إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَالًا بَعِيدًا 116﴾

{Mazima Katonda tasonyiwa kumugattako naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba ayagadde, era yenna agatta ku Katonda aba abuze olubula olw'ewala 116} [Surat An-Nisaa], N'ekigambo kya Katonda:

﴿وَقَالَ الْمَسِيحُ بَنِي إِسْرَءِيلَ اعْبُدُوا اللَّهَ رَبِّي وَرَبَّكُمْ إِنَّهُ مَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ اللَّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَمَأْوَاهُ النَّارُ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ 72﴾

{N'agamba Yesu abange mmwe abaana ba Izirayili Musinze Katonda omulezi wange era omulezi wammwe, Mazima yenna agatta ku Katonda akimanye nti Katonda yamuziyizaako okuyingira ejjana era obuddiro bwe gulibeera muliro ate abalyazaamaanya tebalina yo mutaasa} [Surat Al-Maaidah].

Era kulimu emiteeko ena:

Omuteeko ogusooka: Okugatta ku Katonda mukusaba, n'obujulizi kye kigambo kya Katonda:

﴿فَإِذَا رَكِبُوا فِي الْفَلَكِ دَعَوْا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ فَلَمَّا نَجَّاهُمْ إِلَى الْبَرِّ إِذَا هُمْ يُشْرِكُونَ 65 لِيَكْفُرُوا بِمَا ءَاتَيْنَاهُمْ وَلِيَتَمَتَّعُوا فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ 66﴾

{Bwe baba balinnye mu maato basaba Katonda nga batukuza eddiini kululwe yekka naye bw'amala okubawonya n'abatuusa ku lukalu ogenda okulaba nga bamugattako ebintu ebirala 65

Kale beegaane ebyo bye twabawa era beeyagale naye kyaddaaki balimanya 66} [Al-Ankabuut].

Omuteeko ogw'okubiri: Okugatta ku Katonda mu kumalirira ne mukwagala: N'obujulizi kye kigambo kye:

﴿مَنْ كَانَ يُرِيدُ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَزِينَتَهَا ثَوَفَ إِلَيْهِمْ أَعْمَلُهُمْ فِيهَا وَهُمْ فِيهَا لَا يُبْخَسُونَ 15 أُولَئِكَ الَّذِينَ لَيْسَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ إِلَّا النَّارُ وَحَبِطَ مَا صَنَعُوا فِيهَا وَبُطِلَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ 16﴾

{Oyo yenna ayagala obulamu bw'ensi n'ebyokwewunda byayo (mu mirimu gye gy'akola) tutuukiriza okubasasula emirimu gyabwe mu yo era nebo mu yo tebaseerwa 15

Abo be bo abatalina mugabo ku nkomerero wabula muliro era byayonooneka ebyo byebaakola mu yyo (ensi) era byonoonefu ebyo bye baali bakola 16} [surat Huudu].

Omuteeko ogw'okusatu: Okugatta ku Katonda mu kugonda n'obujulizi kye kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿اتَّخَذُوا أَحْبَارَهُمْ وَرُهْبَانَهُمْ أَرْبَابًا مِّن دُونِ اللَّهِ وَالْمَسِيحَ ابْنَ مَرْيَمَ وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا إِلَهًا وَاحِدًا لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ سُبْحَانَهُ عَمَّا يُشْرِكُونَ 31﴾

{Baafuula ba kabona baabwe n'abasosodooti baabwe ba Katonda abasinzibwa mu kifo kya Allah. Bwe batyo ne bafuula ne Masiya mutabani wa Mariyamu (bamufuula Katonda) ng'ate tebaalagirwa wabula kunsinza Katonda omu yekka tewali asinzibwa mubutuufu okuggyako yye, yayawukana (Katonda) kw'ebyo bye bamugattako 31}. [Surat At-Tauba] N'okunnyonyola kwa yo okutaliimu buzibu: kwe kugondera abamanyi n'abantu ba buliijo mu kujeemera Katonda eyayawukana, si kubasaba nga, nga omubaka wa Katonda bweyakinnyonyola -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- Adiiyyu mutabanyi wa Hatim bwe yamubuuza n'agamba nti: Ffe tetubasinza, n'amuddamu n'amugamba nti: Mazima okubasinza kwe kubagondera mu kujeemera Katonda.

Omuteeko ogw'okuna: Okugatta ku Katonda okw'okwagala, n'obujulizi bwa kwo kye kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿وَمِنَ النَّاسِ مَن يَتَّخِذُ مِن دُونِ اللَّهِ أَندَادًا يُحِبُّونَهُمْ كَحُبِّ اللَّهِ وَالَّذِينَ ءَامَنُوا أَشَدُّ حُبًّا لِلَّهِ وَلَوْ يَرَى الَّذِينَ ظَلَمُوا إِذْ يَرَوْنَ الْعَذَابَ أَنَّ الْقُوَّةَ لِلَّهِ جَمِيعًا وَأَنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعَذَابِ 165﴾

{Ne mu bantu mulimu abenkanya (ebintu ebirala) ebitali Katonda ne Katonda, babyagala nga bwe baagala Katonda kyokka abo abakkiriza be basinga okwagala Katonda, naye singa balaba abo abalyazaamaanya (akabenje ke balibaamu) akaseera we balirabira ebibonyobonyo banditegedde nti amaanyi ga Katonda era banditegedde nti mazima Katonda muyitirivu wa bibonyabonya 165} Okutuuka ku kigambo kye:

﴿وَمَا هُمْ بِخُرْجِينَ مِنَ النَّارِ 167﴾

{Era bbo si ba kufulumu mu muliro 167} [Surat Al-Baqara].

N'omuteeko Ogw'okubiri: Okugatta ku Katonda okutonotono, era nga ye kabandabe, n'obujulizi kye kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿فَمَن كَانَ يَرْجُوا لِقَاءَ رَبِّهِ فَلْيَعْمَلْ عَمَلًا صَالِحًا وَلَا يُشْرِكْ بِعِبَادَةِ رَبِّهِ أَحَدًا﴾
{ 110

{N'oyo yenna asuubira okusisinkana mukama we atekwa akole emirimu emirongoofu era tagattanga mu kusinza mukama we ekintu kyonna 110} [Surat Al-kahfi].

Omuteeko ogw'okusatu: Okugatta ku Katonda okwekusifu, n'obujulizi bwa kwo kye kigambo ky'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«الشِّرْكُ فِي هَذِهِ الْأُمَّةِ أَخْفَى مِنْ دَيْبِ النَّمْلِ عَلَى الصَّفَاةِ السَّودَاءِ فِي ظُلْمَةِ اللَّيْلِ».

«Okugatta ku Katonda mu kibiina kino kwekwefu (kwe kusifu) okusinga omusinde gw'ensanafu enzirugavu ku lwazi oluddugavu mu nzikiza y'ekiro» N'omutango gwa kwo kye kigambo kye okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أَشْرِكَ بِكَ شَيْئًا وَأَنَا أَعْلَمُ، وَأَسْتَغْفِرُكَ مِنَ الذَّنْبِ الَّذِي لَا أَعْلَمُ».

«Ayi Katonda neewogoma gy'oli, okukugattako ekintu kyonna nga ntegeera era nsaba okunsonyiwa omusango gwe mba sitegedde ».

N'obutakkiriza bwa mirundi ebiri:

Obutakkiriza obujja omuntu mu busiraamu, era na buno bwa miteeko etaano:

Omuteeko ogusooka: Obutakkiriza bw'okulimbisa, n'obujulizi bwa kwo kye kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا أَوْ كَذَّبَ بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُ أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ مَثْوًى لِّلْكَافِرِينَ 68﴾

«Era ani asinga okuba omulyazaamaanyi okusinga oyo agunja ku Katonda obulimba oba alimbisa amazima bwe gaba gamujjidde, abaffe mu muliro si

mwe muli obuddiro bw'abo abatakkiriza
(abakaafiiri)68} [Surat Al-Ankabuut].

Omuteeko ogw'okubiri: Obutakkiriza
bw'okwekuluntaza n'okujeema awamu n'okukakasa,
n'obujulizi kw'ekyo kye kigambo kye:

﴿وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلَائِكَةِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ أَبَىٰ وَاسْتَكْبَرَ وَكَانَ مِنَ
الْكَافِرِينَ 34﴾

{Jukira akaseera we twagamba ba Malayika nti:
Muvunnamire Adam ne bavunnama okuggyako
Ibiliisi, yagaana ne yekuluntaza n'ebalibwa mu
batakkiriza 34} [Surat Al-Baqara].

Omuteeko ogw'okusatu: Obutakkiriza
bw'okubusabuusa, nga bwe butakkiriza
bw'okulowooza, n'obujulizi kye kigambo kya Katonda
omugulumivu:

﴿وَدَخَلَ جَنَّتَهُ وَهُوَ ظَالِمٌ لِّنَفْسِهِ قَالَ مَا أَظُنُّ أَن تَبِيدَ هَذِهِ أَبَدًا 35 وَمَا أَظُنُّ
السَّاعَةَ قَائِمَةً وَلَئِن رُّدِدتُ إِلَىٰ رَبِّي لَأَجِدَنَّ خَيْرًا مِّنْهَا مُنْقَلَبًا 36 قَالَ لَهُ
صَاحِبُهُ وَهُوَ يُحَاوِرُهُ أَكَفَرْتَ بِالَّذِي خَلَقَكَ مِن تُرَابٍ ثُمَّ مِن نُّطْفَةٍ ثُمَّ سَوَّاهُ
رَجُلًا 37﴾

{N'ayingira ennimiro ye naye nga
yeeryazaamanyizza yekka n'agamba nti: sirowooza nti
bino byakuggwawo bugenderevu 35

Era sirowooza nti enkomerero ya kuyimirirawo era
wadde ne bwendiba nzizibbwayo eri omulezi wange

mazima ngenda kusanga ebirungi ebisingako bino nga
36

Munne n'agamba nga amuddamu: Owakanyizza
oyo eyakutonda mu ttaka oluvannyuma mu mazzi
oluvannyuma n'akwenkanyankanya okuba omusajja
37} [Surat Al-kahfi].

Omuteeko ogw'okuna: Obutakkiriza
bw'okwesamba amazima, n'obujulizi kye kigambo kya
Katonda:

﴿وَالَّذِينَ كَفَرُوا عَمَّا أُنذِرُوا مُعْرِضُونَ 3﴾

N'abo abatakkiriza b'esamba ebyo byebatiisibwa
nabyo} [Surat Al-Ahqaaf]

Omuteeko ogw'okutaano: Obutakkiriza
bw'omunnanfuusi, N'obujulizi bwa bwo:

﴿ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ ءَامَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا فَطُبِعَ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَفْقَهُونَ 3﴾

{Ekyo lwakubanga bakkiriza oluvannyuma ne
bakaafuwala n'olw'ekyo nekuzibikirwa ku mitima
gyabwe nebabanga nabo tebategeera 3} [Surat Al-
Munaafiquuna]

N'obutakkiriza obutonotono te bufulumya nnyini
bwo mu busiraamu nga kwe kuwakanya ekyengera;
n'obujulizi kye kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿وَضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا قَرْيَةً كَانَتْ ءَامِنَةً مُطْمَئِنَّةً يَأْتِيهَا رِزْقُهَا رَغَدًا مِّن كُلِّ مَكَانٍ فَكَفَرَتْ بِأَنعَمِ اللَّهِ عَلَيْهَا فَادْنَقُهَا اللَّهُ إِلَاسَ الْجُوعِ وَالْخَوْفِ بِمَا كَانُوا يَصْنَعُونَ﴾

{Era Katonda yalaga eky'okulabirako nga kya kyalo ekyali emirembe nga kitebenkedde nga bituuka gyekiri eby'okulya byakyo mu bungi okuva mu buli kanyomero, kyokka (ekyalo ekyo) ne kyefuula mawale ku byengera bya Katonda olwo Katonda n'akisumika ekyambalo ky'enjala n'obweraliikirivu nga akilanga bye kyali kikola} [An-Nahl 112], N'ekigambo kye:

﴿إِنَّ الْإِنسَانَ لَظَلُومٌ كَفَّارٌ 34﴾

{Mazima omuntu mulyazaamaanyi ate muwakanyi}. [Surat Ibrahiim].

Wabula obunnanfuusi: Bwo bwa muteeko ebiri: Obunnanfuusi mu kukkiriza, n'obunnanfuusi mu mirimu

Wabula obunnanfuusi mu kukkiriza:

Kulimu emiteeko mukaaga:

Okulimbisa omubaka, oba okulimbisa ekimu kw'ebyo bye yajja nabyo omubaka, oba okulimbisa omu ku babaka oba ekimu kw'ebyo bye bajja nabyo ababaka oba okusanyuka kw'okugwa kw'eddiini y'omubaka oba okutamwa okuwangula kw'eddiini y'omubaka; gino emiteeko omukaaga nnyini gyo wa

kubeera wansi ewatandikira omuliro, tusaba Katonda atutaase obunnanfuusi.

Wabula obunnanfuusi bwo mumirimu:

Bulimu emiteeko etaano

Bw'aba anyumya alimba, bw'ayomba ayonoona (asukka ekkoma n'ayingizamu n'abalala okugeza nga " ne mugandawo yakola bwati"), , bw'asigirwa akumpanya, bw'alagaanisa (endagaano) agyawukanako; ne Katonda y'asinga okumanya»¹.

Amas-ala (ensonga) ag'okutaano:

Ensibuko y'okutongoza Katonda

Okutongoza Katonda y'eddiini entuufu n'obukkiriza obutereevu obujjibwa mu kitabo kya Katonda n'enkola y'omubaka we okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, era nga y'eddiini yokka eyakka bu bubaka obwava mu ggulu, era enzikiriza zonna abantu ze balina ezaawukana ku kuntongoza Katonda, ezo ziva mu nsi, bantu be bazitandikawo ne baziteekawo, naye kwo okutongoza Katonda y'enzikiriza yokka obubaka bwa Katonda bwe bwakka nayo , era nga ye ddiini ya Katonda gye yasiimira abaddu be , Katonda omugulumivu yagamba:

¹ «Addurar Assaniyyah » (3/66)

{وَرَضِيتُ لَكُمُ الْإِسْلَامَ دِينًا}

{ Mbasiimidde obusiraamu nga y'eddiini}. [Surat Maa-idah a'ya 3], Era Katonda omugulumivu yagamba:

{وَمَنْ يَتَّبِعْ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ}

{Yenna anoonya obutali busiraamu nga y'eddiini ye tegenda Kukkirizibwa okuva gy'ali} [Surat Aal Imraan: 85], Era Katonda yagamba:

{وَمَنْ يَرْغَبْ عَنْ مِلَّةِ إِبْرَاهِيمَ إِلَّا مَنْ سَفِهَ نَفْسَهُ}

{Na buli yenna ayagala okuva ku ddiini ya Ibrahiim aba asiriwaza mwoyo gwe }. [Al-Baqara 130], Era Katonda omugulumivu yagamba:

{إِنَّ الدِّينَ عِنْدَ اللَّهِ الْإِسْلَامُ}

{ Mazima eddiini ewa Katonda eri busiraamu [Surat Al-Imraan: 19]; Okutongoza Katonda bubaka okuva eri Katonda ow'ekitiibwa bwe yassa ku baddu be, era y'eddiini ya Katonda eyavaako okutondebwa kw'ebitonde n'abiteekawo bigituukirize era ku lw'ensonga eyo kyajja ekigambo kya Katonda omugulumivu:

{وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطُّغُوتَ}

{Era Mazima twatumanga buli mukibiina omubaka (abalagire nti) musiinze Allah mwekeke byonna ebisiinzibwa mu bulimba}. [An-Nahl 36],

﴿أَتَى أَمْرُ اللَّهِ فَلَا تَسْتَعْجِلُوهُ سُبْحَنَهُ وَتَعَالَى عَمَّا يُشْرِكُونَ 1 يُنَزِّلُ الْمَلَائِكَةَ بِالرُّوحِ مِنْ أَمْرِهِ عَلَى مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ أَنْ أَنْذِرُوا أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاتَّقُونِ 2﴾

{Kisemberedde okutuuka ekigambo kya Katonda kale temukyanguyiriza, yayawukana ye n'asukkuluma kw'ebyo bye bamugattako 1

Assa ba malayika n'obubaka ku lw'ekiragiyo kye kw'oyo gw'aba ayagadde mu baddu be (nga bugamba nti) mutiise nti tewali asinzibwa mubutuufu okuggyako Nze n'olw'ekyo muntye 2} Surat [An-Nahl].

Wabula enzikiriza ezitali za kuntongoza Katonda, zo nzikiriza ezaamera mu nsi ezaazulibwa ne ziteekebwawo abantu, n'olw'ekyo, yali nkola y'ababaka mukulimbisa enzikiriza ezo ezaali mu bantu ezaalimu Okugatta ku Katonda, Obutakkiriza, obunnanfuusi, n'ebirala mu bika by'obubuze kwali kunnyonnyola nti ebyo byonna tebwali bubaka, nga bwe twalaba amakulu g'ekigambo kya Yusuf eri abasibe ababiri abaali mu kkomera:

﴿أَرْبَابٌ مُتَفَرِّقُونَ خَيْرٌ أَمْ اللَّهُ أَلَوْجِدُ الْقَهَّارُ 39 مَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا أَسْمَاءَ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَءَابَاؤُكُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ﴾

{ Bakatonda ab'ejawulo be basinga obulungi oba Katonda omu yekka omukasi w'embeera 39

{Temusinza mu kifo kya Katonda wabula mannya bunnya ge mwatuuma mmwe ne bakadde ba mmwe Katonda teyabissaako bujulizi nti bisinzibwa} [Surat Yusuf], Era yagamba Katonda mu surat An-Najm:

﴿أَفَرَأَيْتُمُ اللَّتَّ وَالْعُرَىٰ ۚ 19 وَمَنَوءَ الثَّالِثَةَ الْأُخْرَىٰ ۚ 20 أَلَكُمُ الذَّكَرُ وَلَهُ الْأُنثَىٰ ۚ 21 تِلْكَ إِذَا قِسْمَةٌ ضِيزَىٰ ۚ 22 إِنَّ هِيَ إِلَّا أَسْمَاءُ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَءَابَاؤُكُمْ مَّا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ ۚ﴾

{Abaffe mulabye -amasannamu- Al-laata ne Al-Uzza 19

ne Manaata eddala ery'okusatu 20

Abaffe mmwe mulina bisajja ate ye Katonda alina bikazi ?

Okwo kugabanya Kwa butenkanya singa bwe kiri (mu butuufu)

Tebali abo (bakatonda bammwe) wabula mannya bunnya ge mwatuuma (obutuumi amasanamu ago) mmwe ne bakitammwe nga Katonda Tassanga ku go bujulizi (obukakasa ekigambo kyammwe eky'okugasinza nga mugayita bakatonda). [Surat An-Najm], Ne Huudu emirembe gibeere ku yye yagamba abantu b'ekibiina kye nti:

﴿أَتَجِدُلُونَنِي فِي أَسْمَاءَ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَءَابَاؤُكُمْ مَّا نَزَّلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ ۚ فَانْتَظِرُوا إِلَيَّ مَعَكُمْ مِنَ الْمُنْتَظِرِينَ ۚ 71﴾

Mumpakanya ku lw'amannya ge mwatuuma (obutuumi), mmwe ne bakitammwe, sso nga Katonda

Tassanga ku go (amasanamu) bujulizi (bukakasa nti bakatonda)! Kale mulindirire (ekinaabaviiramu), mazima nze ndi wamu nammwe mu balindiridde.

[Surat Al-A'raaf]

Ensibuko y'okutongoza Katonda eri mu kitabo kye ne mu hadiithi z'omubaka, kujjibwa mu nzizi ezo empoomu enteeфу ; wabula enzikiriza abantu ze balina ensibuko yaazo ndowooza zaabwe enkyamu ate embi oba bubaka obuva eri sitaani, «Obubaka bwa mirundi ebiri: Obubaka obuva eri Katonda omusaasizi n'obubaka obuva eri sitaani, Katonda yagamba:

﴿وَإِنَّ الشَّيَاطِينَ لَيُوحُونَ إِلَىٰ أَوْلِيَآئِهِمْ لِجُدِّ لُوكُمْ وَإِنْ أَطَعْتُمُوهُمْ إِنَّكُمْ لَمُشْرِكُونَ﴾ (121)

{Era Mazima ba sitaani baweereza eri abantu baabwe babakaayanye naye bwe munaaba mubagondedde mazima mmwe mugenda kubeera mw'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala 121} [Surat Al-An'aam], Era Katonda omugulumivu yagamba:

﴿وَكَذَٰلِكَ جَعَلْنَا لِكُلِّ نَبِيٍّ عَدُوًّا شَيَاطِينَ الْإِنسِ وَالْأَجْنِ يُّوحِي بَعْضُهُمْ إِلَىٰ بَعْضٍ زُخْرُفَ الْقَوْلِ غُرُورًا﴾

{Era bwe kityo twateekawo eri buli Nabbi omulabe okuva mu sitaani ez'omubantu ne mu mageege baweerezeganya bokka na bokka ebigambo ebinyirize

kungulu ebigayaaza} [Al-An'aam: 122], Era Katonda omugulumivu yagamba:

{هَلْ أَنْبِئُكُمْ عَلَىٰ مَن تَنَزَّلُ الشَّيَاطِينُ 221}

{Abaffe mbategeeze oyo ba sitaani gwe bakkako 221} [Surat Ash-Shu'araa] Era mazima yali Al-Mukhutaaru bun Abi Ubaidi mu bantu b'ekika kino okutuusa bwe kya buulirwa Ibun Abbaasi ne Ibun Umar, ya buulirwa omu ku bo nti: Mazima ye akkibwako; n'agamba nti:

{وَإِنَّ الشَّيَاطِينَ لَيُوحُونَ إِلَىٰ أَوْلِيَآئِهِمْ لِجُدُلُوْكُمْ}،

{Era Mazima ba sitaani baweereza eri abantu baabwe babakaanyanye}, Era omulala yagambibwa: Mazima yye agamba nti akkibwako obubaka, N'agamba ati:

{هَلْ أَنْبِئُكُمْ عَلَىٰ مَن تَنَزَّلُ الشَّيَاطِينُ 221}.

{Abaffe mbategeeze oyo ba sitaani gwe bakkako 221}»¹.

Sitaani eweereza obubaka eri ba nannyini bubuze omuli enzikiriza n'endowooza ze bakkiririzaamu oluvannyuma ne bakoowoola abantu okudda gye ziri nga bakozesa obubaka n'endowooza enkyamu eziva eri sitaani oba ensonga omuntu z'ayitamu olw'okwagala

¹ «Majmuu fataawa » eya Ibun Taimiya (13/75)

kwe okukyamu, oluvannyuma n'atandika na byo emirimu, enneesinza n'emikolo nga y'esebesa nti: twegezaamu oba ba maseeka baffe beegezaamu ate nga eddiini tetugijja mu kwegezaamu, oba mu birooto; gamba nga: nalabye mu kilooto kino na kino, era n'akizimbirako eddiini oba enzikiriza, era ezo z'ensibuko abantu mwe bajja ezikiriza zaabwe ennyingi ezo mukama Katonda z'atassaako bujulizi .

Na bwe kityo, enzikiriza ey'emikisa y'enzikiriza y'okutongoza Katonda ate nga y'eddiini ya Katonda eyayawukana n'agulumira oyo atakkiriza ddiini yonna etali kumutongoza eyo ejjibwa mu nsibuko empoomu ate enteefu, era oyo yenna anywako mu nsibuko esooka, alaba obucaafu bw'ensibuko endala, n'omuntu tasobola kulaba bucaafu bwa nsibuko zino okuggyako nga ategedde ensibuko enteefu ennyonjo eyo ezimbiddwa ku bubaka obuva eri Katonda, n'olw'ekyo, abagatta ku Katonda bangi oluvannyuma lw'okulungama n'okuyingira mu busiraamu, kyeyoleka gye bali nti babadde abantu abatategeera, ate nga mu kiseera ky'obubuze bwabwe, Okugatta ku Katonda kwa bwe ne mu butali butuufu bwabwe baali balowooza nti y'entegeera entuufu n'eddiini entereevu.

N'olw'ekyo ba swahaaba baali batuula ebiseera ebimu ne bejjukanya embeera zaabwe ezeewuunyisa mukiseera bwe baali bagatta ku Katonda ne beebaza Katonda oyo eyabalunganya eri eddiini y'obusuraamu n'okutongoza Katonda; Hadiithi eva ku Abu Uthman Annahadi-ate nga yaliwo mu kiseera ky'obutamanya n'asilamuka ku mulembe gw'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye ate teyamulabako, Agamba nti: Twaali mu kiseera ky'obutamanya nga tusinza mayinja ne tuwulira omukoowooze nga akoowoola nti: Abange mmwe abatambuze , mazima Katonda wammwe yazikiridde, munoonye Katonda omulala nga ateggeeza ejjinja lye baali basinza Lyabuze yagamba nti: Bwe tutyo twafuluma tulinoonya buli mu kkubo, twali tukyali bwe tutyo, omukoowooze n'akoowoola nga agamba: Katonda wammwe tumusanze oba ekifaanagana bwe kityo, yagamba nti: twajja netusanga ejjinja netulisalirako engamiya nga tusembera gyeriri ne bajja nalyo neboolekera gyeriri mu kulisinza, n'okusuubira ebilungi okuva gyeriri, n'okulisaba, obwongo bw'abo buliwa?¹

¹ yayogerwa Ibun Abi shaiba mu kitabo kye "muswannafa" (33914)n. Ne Ibun Sa'di mu kitabo «Attwabaqaatil-kubra»

Newankubadde baali mumbeera eno mu kiseera ekyo baali batenda ababaka ba katonda n'obulalu era nga beebala nti be bategeera naye Katonda bwe yassa ekitangaala ky'obusiraamu n'obukkiriza , kyeyolekera omuntu nti byebabaddeko abashiriku bikyamu era mazima ensibuko y'enzikiriza zaabwe ncaafu zirimu bulimba na bubuze, era kyeyoleka nti buli agatta ku Katonda entegeera ye eba nfu.

Ebibala by'okutongoza Katonda n'emigaso gyakwo.

Okutongoza Katonda kulina ebibala ebitabalika era tunuulira ekiraga ekyo mu kigambo kya Katonda omugulumivu:

﴿الَمْ تَرَ كَيْفَ ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا كَلِمَةً طَيِّبَةً كَشَجَرَةٍ طَيِّبَةٍ أَصْلُهَا ثَابِتٌ
وَفَرْعُهَا فِي السَّمَاءِ 24 تُؤْتِي أُكْلَهَا كُلَّ حِينٍ﴾

{Abaffe tolaba butya Katonda bweyakuba omufaanano gw'ekigambo ekirungi nti kiri nga omuti omulungi nga enduli yagwo nywevu ate amatabi ga gwo gali waggulu mu bbaanga 24

Guleeta eby'okulya byagwo buli kiseera} [Surat Ibrahiim] Ekitegeeza ebibala n'emigaso gyagwo.

(4707) ne Abu Nu-aim mu kitabo kye «Ma'arifati swahaaba » (4707) n'omukululo ogukutuusa ku hadith muluungi.

Emigaso n'ebibala by'okutongoza Katonda ku muddu mu bulamu bwe obwa duniya n'enkomerero tebirina kkomo ate tebibalika, wabula tugamba kigambo ekibuna ekigamba nti:

Mazima buli kirungi kyonna Omuddu ky'afuna mu duniya ne kulunaku lw'enkomerero, era buli kibi obuddu ky'awona mu duniya ne kulunaku lw'enkomerero bili mu bibala by'okutongoza Katonda era buwufu mu buwufu bwakwo era bwe tuba tunnyonyodde ebibala by'okutongoza Katonda n'obuwufu bwa kwo, mazima kwe kufuula emirimu okuba emituufu ate emitukuvu; Kubanga emirimu ne bwegibeera gitya tekisoboka Kukkirizibwa ku nannyini gyo okuggyako nga atongoza Katonda, nabwekityo kulinga omusingi ku nnyumba n'emirandira ku miti, n'olw'ekyo Katonda yagamba nti:

﴿وَمَنْ أَرَادَ الْآخِرَةَ وَسَعَىٰ لَهَا سَعْيَهَا وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَٰئِكَ كَانَ سَعْيُهُمْ مَشْكُورًا ۝ ١٩﴾

{N'omuntu ayagala enkomerero n'agikolerera olukolerera olugisaanira ate nga ye mukkiriza, abo okukola kwabwe kwa kwebazibwa (ne Katonda) 19} [Surat Al-Israa], Era ow'ekitiibwa Katonda yagamba:

﴿مَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِّن ذَكَرٍ أَوْ أَنشَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَلَنُحْيِيَنَّهٗ حَيٰوةً طَيِّبَةً وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُم بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ۝ ٩٧﴾

{N'oyo yenna akola obulungi k'abe musajja oba mukazi nga mukkiriza tugenda kumulamusa obulamu obulungi era tugenda kubasasula empeera yaabwe (ku lunaku lw'enkomerero)okusinga ebyo bye baali bakola 97} [Surat An-Nahl], Okutongoza Katonda kwe kufuula emirimu okuba emituufu era emitukuvu, omuntu ne bw'akola emirimu emingi tegikkirizibwa okuggyako nga giyimiridde ku kuntongoza Katonda, Katonda omugulumivu yagamba nti:

{وَمَا مَنَعَهُمْ أَنْ تُقَبَّلَ مِنْهُمْ إِنَّهُمْ كَفَرُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ}

{Tewali kyabagaanyisa Kukkirizibwa ebiweebwayo byabwe wabula lwa Kubanga bbo b'awakanya Katonda n'omubaka we } [At-Tauba 54], Era yagamba omugulumivu:

{وَمَنْ يَكْفُرْ بِالْإِيمَانِ فَقَدْ حَبِطَ عَمَلُهُ}

{N'oyo yenna awakanya obukkiriza emirimu gye giba gyonooneese}. [Al-ma'ida:5] Era yagamba:

{وَلَقَدْ أُوحِيَ إِلَيْكَ وَإِلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ}

{mazima ddala watumirwa ggwe n'eri (Bannabbi) abo abaakusooka (nti)-Singa ogatta ku Katonda ekintu ekirala (n'okisinza ekitali Yye) emirimu gyo gyandiyonooneese } [Az-Zumar:65]; Okutongoza Katonda kwe kufuula emirimu okuba emituufu, era tegiba mituufu okuggyako nga weekuli.

Era okutongoza Katonda y'ensonga eviirako okwesiima n'okusitulwa amadaala mu nsi ne ku nkomerero

﴿أُولَٰئِكَ عَلَىٰ هُدًى مِّن رَّبِّهِمْ وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ 5﴾

{Abo be bali ku bulungamu obuva eri omulezi waabwe era bo be b'okwesiima 5} [Surat Al-Baqara]; Ba nannyini kuntongoza Katonda be ba nannyini bulungamu, n'okwesiima ky'ekigambo ekikyasinze obunene mw'ebyo ebyali byogeddwa nga bikungaanya ebilungi , era omuwanguzi y'oyo atuuka ku bilungi by'ensi eno n'enkomerero, ate nga ebilungi ebyo tebituukibwako wabula na kuntongoza Katonda na kutukuza ddiini kululwe . Katonda

Ne mu bibala by'okutongoza Katonda: Mazima nsonga eviirako okuwangula ebilungi bya Katonda n'ejjana ye n'okuwona ebibonyobonyo bye n'obusungu bwe, oyo yenna alisisinkana Katonda ow'ekitiibwa nga amutongoza wa kuyingira ejjana, naye alimusiinkana nga amugattako ebintu ebirala wa kuyingira omuliro era aligubeeramu lubeerera, Katonda ow'ekitiibwa yagamba nti:

﴿إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ﴾

{Mazima Katonda tasonyiwa kumugattako naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba ayagadde} [An-

Nisaa:48], Mu bibala by'okutongoza Katonda Kwe kuwangula ejjana n'okuwona omuliro.

Bw'aba atuukirizza okutongoza Katonda okw'obw'etteeka oba Okutuukiriza okw'obwakyeyagalire, okuwonakwe kuwona ku guyingira, wabula bw'aba atongoza Katonda awamu n'okukola ebyonoono ebitali kugatta ku Katonda, okuwona kwe kwa kuwona kugubeeramu bugenderere; Kubanga tewali agenda kusigala mu muliro lubeerera okuggyako eyali agatta ku Katonda nga bwe kyajja mu hadiithi:

«أَمَرَ الْمَلَائِكَةَ أَنْ يُخْرِجُوا مِنَ النَّارِ مَنْ كَانَ لَا يُشْرِكُ بِاللَّهِ شَيْئًا مِمَّنْ أَرَادَ اللَّهُ تَعَالَى أَنْ يَرْحَمَهُ مِمَّنْ يَقُولُ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ».

«Yalagira ba Malayika okufulumya mu muliro buli yenna eyali tagatta ku Katonda kintu kyonna mw'abo be yayagala Okusaasira abo abagamba nti: Laa Ilaha Illa Allah »¹.

Ne mubibala by'okutongoza Katonda, kuli mu nsonga eziviirako okwanjuluzibwa kw'ekifuba ky'omuntu, era obujjuvu bw'okutongoza Katonda n'amaanyi ga kwo ky'ekigero ky'obwanjululukufu bw'ekifuba kya nnyini kyo.

Yagamba Katonda omugulumivu:

¹ Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (7437) ne Muslimu (182) mu hadiithi ya Abu Huraira.

﴿أَفَمَنْ شَرَحَ اللَّهُ صَدْرَهُ لِلْإِسْلَامِ فَهُوَ عَلَى نُورٍ مِّن رَّبِّهِ﴾

{Abaffe oyo Katonda gwe yayanjuluza ekifuba kye ku lw'obusiraamu(n'aba nga ali kukitangaala ekiva eri Katonda} [Az-Zumar:22], Era Katonda omugulumivu yagamba:

﴿فَمَنْ يُرِدِ اللَّهُ أَن يَهْدِيَهُ يَشْرَحْ صَدْرَهُ لِلْإِسْلَامِ وَمَنْ يُرِدْ أَن يُضِلَّهُ يَجْعَلْ صَدْرَهُ ضَيِّقًا حَرَجًا كَأَنَّمَا يَصَّعَّدُ فِي السَّمَاءِ﴾

N'oyo Katonda gw'ayagadde okulunjanya ayanjuluza ekifuba kye eri obusiraamu n'oyo gw'aba ayagadde okubula afuula ekifuba kye ekifunda ekiziyivu n'aba nga alinnya mu ggulu } [Al-An'aam:125], Obulunjamu n'okutongoza Katonda ziri mu nsonga ezisinga obunene ezivaako okwanjuluza ekifuba, n'okugatta ku Katonda n'obubuze nsonga eziviirako okugufundawaza.

Era mu bibala by'okutongoza Katonda: Katonda yeeyama okufuula ba nnyini kwo ab'ebitiibwa era abawanguzi mu nsi n'okukulemba ensi, n'okulongoosa embeera, yagamba Katonda omugulumivu:

﴿وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ ءَامَنُوا مِنكُمْ وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَيَسْتَخْلِفَنَّهُمْ فِي الْأَرْضِ
كَمَا أَسْتَخْلَفَ الَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ وَلَيُمَكِّنَنَّ لَهُمْ دِينَهُمُ الَّذِي ارْتَضَىٰ لَهُمْ
وَلَيُبَدِّلَنَّهُم مِّن بَعْدِ خَوْفِهِمْ أَمْنًا يَعْبُدُونَنِي لَا يُشْرِكُونَ بِي شَيْئًا وَمَن كَفَرَ بَعْدَ
ذَٰلِكَ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ 55﴾

{Katonda Yalagaanyisa abo abakkiriza mu mmwe ne bakola emirimu emirongoofu nti Agenda kubasikiza mu nsi nga bwe Yasikiza abo (abaaliwo) oluberyeberye lwabwe; era (ddala) agenda kubatebenkereza eddiini yaabwe eyo gye Yabasiimira. Era Agenda kubakyusiriza ddala oluvannyuma lw'okutya kwabwe eddembe: Kale baansinze. Tebangatangako kintu kirala. N'omuntu yenna anaawakana oluvannyuma lw'ekyo, nabo bo be boonoonyi} [Surat An-Nuur].

Era mu byo: Mazima okutongoza Katonda kuggulirawo Omuddu omulyango gw'ebirungi, essanyu n'obutebenkevu, Katonda yagamba:

{الَّذِينَ ءَامَنُوا وَتَطْمَئِنُّ قُلُوبُهُمْ بِذِكْرِ اللَّهِ أَلَا بِذِكْرِ اللَّهِ تَطْمَئِنُّ الْقُلُوبُ 28}

{Abo abakkiriza ne gitebenkera emitima gyabwe ku lw'okwogera ku Katonda. Abange, ku lw'okwogera ku Katonda emitima gitebenkera! 28}. [Surat al-Ra'd], Era yagamba omugulumivu:

{فَإِمَّا يَأْتِيَنَّكُمْ مِّنِّي هُدًى فَمَنِ اتَّبَعَ هُدَايَ فَلَا يَضِلُّ وَلَا يَشْقَى 123 وَمَنْ أَعْرَضَ عَن ذِكْرِي فَإِنَّ لَهُ مَعِيشَةً ضَنْكًا وَنَحْشُرُهُ يَوْمَ الْقِيَمَةِ أَعْمَى 124}

{ Naye obulunngamu bwe bulibajjira okuva Gyendi, n'oyo yenna aligoberera okulunngamya

Kwange (okulireetwa ababaka) talibula era talyonooneka 123}

{N'oyo alyawukana ku kigambo Kyange, mazima alina obulamu obufunda, era Tulimuzuukiza ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda) nga muzabe.124} [Surat Twaha],

N'oluvannyuma; buno bubonero bwangu obukwatagana ku mulamwa guno omunene, era nsaba Katonda ow'ekitiibwa atugase nagwo fenna mw'ebyo by'atumanyisizza, era abifuule obujulizi gye tuli, era atulunganye ku kkubo eddungi.

Ne Katonda y'asinga okumanya, n'emirembe gibeere ku muddu we era omubaka we Muhammadi ne kubantu be ne ba swahaaba be bonna.

Amas-ala ag'o mukaaga:

الفهرس

Obumu ku bubonero bw'okutongoza Katonda	2
Ensonga esooka	4
Ebyenkizo by'okutongoza Katonda n'emigaso gyakwo (okutongoza Katonda)	4
Ensonga (amas-ala) ag'oKubiri:.....	19
Okutongoza Katonda kyekitegeeza n'obutuufu bwa kwo	19
Ensonga (amas-ala) ey'okusatu:.....	28
Okutuukiriza okutongoza Katonda n'obujjuvu bwa kwo.	28
Ensonga (amas-ala) ey'okuna:	32
Ebyonoona Okutongoza Katonda n'ebikukendeeza.....	32
Amas-ala (ensonga) ag'okutaano:	43
Ensibuko y'okutongoza Katonda	43
Ebibala by'okutongoza Katonda n'emigaso gyakwo.....	51
Amas-ala ag'o mukaaga:	58